# Ebya S4 bifuluma wiiki eno

Bya VIVIEN NAKITENDE

EKITONGOLE ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB kimalirizza enteekateeka ez'okufulumya ebyava mu bigezo bya S4 wiiki eno.

Abayizi 432,159 be baatuula ebigezo bya S4 wakati wa October 13, 2025 ne November 7, 2025 mu masomero 4,308 okwetooloola Uganda. Ku bayizi 432,159 kwaliko 154,637 abaatuulira mu masomero agali mu nteekateeka eya Universal Secondary Education (USE) Gavumenti b'esasulira

Omwogezi wa UNEB, Jenifer Kalule Musamba yategeezezza *Bukedde* nti, akulira ekitongole kya UNEB, Daniel Odongo n'abakungu b'ekitongole kino wamu n'aba minisitule ey'Ebyenjigiriza, bategese okusisinkana Minisita w'ebyenjigiriza Janet Museveni ku Lwokusatu lwa wiiki eno.

Mu kafubo kaabwe ne Minisita, Musumba yagambye nti aba UNEB bagenda okumuyitiramu ebyavudde mu bya S.4, oluvannyuma abawe olunaku lw'anaabifulumya mu butongole.



Omwogezi wa UNEB, J. Kalule Musamba